
# Bagumizza Bannayuganda ku mafuta




Essundiro ly'amafuta.

Bya BADRU MUGENYI

KKAMPUNI evunaanyizibwa ku nsonga z'amafuta mu ggwanga eya Uganda National Oil Company (UNOC) nga bali wamu ne minisitule y'amafuta n'obugagga obw'ensibo, bagumizza Bannayuganda nti, bakyalina amafuta agasobola okutambuza eggwanga okutuukira ddala ku nkomerero y'omwezi gwa April.

Bano okuvaayo kiddiridde ensi yonna okuba ku bunkenke olw'ebbula ly'amafuta eriyinza okubalukawo singa Iran tegguIawo kagolomolo ka Hormuz omuyita agamu ku mafuta agagenda mu nsi endala nga ne Uganda mw'ogitwalidde.

Ekiwandiiko ekyafulumiziddwa kiraga nti, ku ntandikwa y'omwezi guno ogwa April, Uganda egenda kufuna amafuta amalala bongereze kw'ago agali mu tterekero lyago. Mu kiseera kino, UNOC erina liita obukadde 81 eza peetulooli ne liita endala obukadde 80 ez'amafuta ga ddizero, kuno gattako liita obukadde 18.5 ez'amafuta g'ennyonyi.

Amafuta aganaatera okutuuka gagenda kuyita ku mwalo gw'e Mombasa e Kenya ne Tanga mu Tanzania nga gawerera ddala liita obukadde 195 eza peetulooli, liita obukadde 155 ddizero gattako liita obukadde 24 ez'amafuta g'ennyonyi nga bwe ganaatuuka kuno, eggwanga lijja kuba n'amafuta agamala okutambuza emirimu okusukka ennaku endala 52.

UNOC yakakasizza nti, erina amakubo amalala mw'efuna amafuta ng'oggyeeko ago agava mu nsi z'Abawarabu era bajja kufuna amafuta na buli kyamaguzi ekikolebwa mu mafuta kasita kiba nti, eggwanga likyetaaga.

Oluvannyuma lw'olutalo olugenda mu maaso wakati w'America ne Yisirayiri okulumba Iran, ensi yagwaamu obunkenke ng'ensi ezisinga zaatandise okuvaayo n'enkola ez'enjawulo bakekkereze ku nkozesa y'amafuta ge balina mu mawanga gaabwe.